kuma ebiwandiko bye

GWANGA

EBALUWA SEKABAKA MUTESA I GYE YAWANDIKIRA NABAKYALA QUEEN VICTORIA OW'EBUNGEREZA NG'AMUSABA AMUWEREZE AB'OKUTUYIGIRIZA EBY'AMAGEZI.

Ya Nabakyala Queen Vicroria, London, Kabaka w'ensi ze Bulaya ze mpulira, nkuwandikidde nga nkusamu ekitibwa ekingi awamu n'abantu bange Abalangira n'Abambejja, Nabataka abakulu b'ebika bonna abensi yange bantumye okukulaba nga bakusamu ekitibwa kingi.

Nze awamu Nabataka bonna abensi yange Uganda Nabalangira n'Abambejja Nsinzira mu abo nga nkuwandikira n'obwesige obwamazima agalitusa ensi yange kumutindo gw'amagezi nga abantu bo abe Bulaya bwebali. Nkusaba ompereze abakugu mu byamagezi bajje bayigirize abantu bange bonna ebyamagezi gonna agamwe gemuliko ne gemuliberako omperezanga abantu abamazima ddala abatalirya munsi yange lukwe, n'okuvulugavuluga abantu bange mu mpisa embi wazira okunyamba nze nabantu bange bonna okufuna amagezi agalinsobozesa okufuga n'okukuma ensi yange yonna mu dembe omperezanga ne ku basomesa ab'eDdini ntegere Katonda.

Mutesa I yassako ekinkumu Kyakono.